مسائل عشر في العقيدة

ESONGA KKUMI (10) KU NZIKIRIZA (AQĪDAH)

Maktabah al-Buhūth wa-Dirasāt fi Dawlat al-Islām

Kivvunuddwa

Sh. Abū ʻAbdulRahmān al-Muhājir (Ha)
Sh. Abū Muhsin al-Muhājir (Rh)
ʻAbdallāh ibn Adam Faqir (Rh)

مسائل عشر في العقيدة

ESONGA KKUMI (10) KU NZIKIRIZA (AQĪDAH)

Maktabah al-Buhūth wa-Dirasāt fi Dawlat al-Islām

Kivvunuddwa

Sh. Abū ʻAbdur-Rahmān al-Muhājir (Hafidhahullāh)

Sh. Abū Muhsin al-Muhājir (Rahimahullāh)

ʻAbdallāh ibn Adam Faqir (Rahimahullāh)

بسم الله الرحمن الرحيم

Ebiri mu Kitabo

ENNYANJULA 3

Ensonga 1: Usūl Thalātha (Ebikolo Ebisatu)..... 4

Ensonga 2: Aslu Ddiini Wa-Qā'idatuhu (Ekikolo Ky'Eddiini n'Empagi Yabwo) . 4

Ensonga 3: Laa ilaaha illallāh (Amakulu Gakyo) 5

Ensonga 4: Shurūt Laa ilaaha illallāh (Obukwakkulizo/obulombolombo bwa Laa Ilāha Illallāh)..... 5

Ensonga 5: An-Nawāqidh-ul Islām (Ebyonoona Obusiraamu) 6

Ensonga 6: Emiteeko gya Tawhīd 11

1. Tawhīd Rubūbiyyah:- 11
2. Tawhīd 'Ulūhiyyah:- 12
3. Tawhīd Asmā was-Swifāt: - 13

Ensonga 7: Emiteeko gya Shirk 14

1. Shirk al-Akbaru (Shirk Omunene); - 14
2. Shirk al-Asgharu (Shirk Omutono):- 14

Ensonga 8: Emiteeko gy'Obukaafiiri (Kufr)..... 15

1. Kufr Akbaru (Obukaafiiri Obunene):- 15
2. Kufr Asgharu (Obukaafiiri Obutono):- 15

Ensonga 9: Emiteeko gy'Obunnanfuusi (Nifaq) 16

1) Nifaq Akbar (Obw'enzikiriza) 16

2) Nifaq Asgharu (Obw'ebikolwa):-.....16

Ensonga 10: Amakulu ga Twagūti (n'Emitwe Egisinga Okuba Emikulu) 16

Amakulu g'ekigambo Twaguuti.....17

Emitwe gya Twaguuti.....18

ENNYANJULA

Mazima yagamba Omubaka wa Allāh (SAW): **"Okunoonya okumanya kyatteeka ku buli Musiraamu"** – abamu mu bamanyi baagamba nti sanad ya hadith eyo nnafu abalala nga Suyuti (rh) nebagamba nti nnungi. Naye amakulu ga hadith eyo gegattibwaako abayivu/abamanyi bonna. Bayhaqi (rh) yagamba bw'ati ku yo: "Omubaka kye yali agendereramu, Allāh y'asinga okumanya, nti okumanya okubuna omuntu omukulu ategeera kw'ateekeddwa okuba nga amanyi" [al-Madkhali li-sunan kubra]. Imām Shafi'e (rh) n'abuzibwa: "Kiki kye bayita okumanya? Era kiki ekikakata ku bantu mu kwo?" Naddamu: "Okumanya kwa mirundi ebiri; Okumanya (ilm) omuntu omukulu kw'ateekeddwa okuba ng'amanyi, okumanya okwo ojja kukusanga mu Kitabo kya Allāh, nga Abasiraamu bakujja mu Kitabo kya Allāh n'okukunyumya nga bakujja okuva ku Mubaka wa Allāh (SAW) era tewaliiwo kwawukana kwonna ku bwetteeka bw'okumanya (ilm) okwo." [Risālatu li-Shafi'e]. Ne mw'ebyo ebyakakata eri abamanyi nti mazima okumanya kw'eddiini kwa tekululwaamu emiteeko/emirundi ebiri (mu bwetteeka bwakwo);-

- **<u>Faradha Kifāya</u>:** Okwo kwe kukakata ku Ummah y'Obusiraamu yonna okubeera nga ekumanya, nga buli Musiraamu kumukakatako awamu n'okukukwata/okukuuma (memorise/hifdhu). Singa abamu ku Basiraamu bayiga ebintu ebyo mu ddiini (oba abamu ne babyekwatako) nebaba nga bamanyi ebintu bingi nnyo (amakulu nebagenda wala mu kumanya) abo baba n'enkizo wamu n'empeera mu maaso ga Allāh (SWT) olwo ekibi (ezzambi) nekiba nga kivudde ku Basiraamu abasigadde abtagenze kuyiga buli limu mu ddiini. So ate bwe waba nga tewaliiwo Musiraamu yenna afuddeyo kusoma ebintu ebyo n'okubyekwatako Abasiraamu bafuna omusango mu maaso ga Allāh (SWT). Ne mu kumanya (ilm) ey'ekika kino mwe muli; okukwata Qur'ān (hifdh), Okuginnyonnyola (Tafsīr), okukwata Ahādith

n'ebizikwatako byonna (enfu, ennafu, entuufu, ebika n'emiteeko, etc), Ebikolo by'okutegeera eddiini (Usūl Fiqh), etc.

- **Faradha Ayn:** Okumanya kuno kukakata ku buli Musiraamu yenna omukulu ategeera okuba ng'akumanyi. Singa akwesamba oba n'akulagajjalira (nga takufuddeeko) abeera mujeemu. Nga n'ezimu ku nsonga ezikakata ku buli Musiraamu yenna omusajja n'omukyala okuzimanya ze zino wammanga;-

Ensonga 1: Usūl Thalātha (Ebikolo Ebisatu)

Buli Musiraamu yenna ateekeddwa okumanya Omulezi (Rabbu) we, Eddiini ye (al-Islām) ne Nabbi we (SAW).

1) Singa bakubuuza ani Mulezi wo? Yanukula ogambe Omulezi wange ye Allāh oyo eyandera n'alera n'ebitonde byonna, nebyengera bye. Era gwe nsinza sirinaayo musinza mulala yenna.
2) Singa bakubuuza eddiini yo y'eriwa? Baddemu obagambe, Eddiini yange bwe Obusiraamu, nga nakwo kwe kujeemulukukira Allāh n'okumwawula n'okumugondera n'okwesamba shirk ne ba mushrikīn.
3) Bw'obuzibwa Nabbi wo y'ani? Yanukula ogambe nti Muhammad ibn Abdullāh ibn Abdul-Muttwalib ibn Hāshim omu Qurayshi, aba Quraysh bawarabu n'abo batabani ba Ismā'il mutabani wa Ibrāhīm (bombiri ne Nabbi waffe emirembe gibeere ku bo).

Ensonga 2: Aslu Ddiini Wa-Qā'idatuhu (Ekikolo Ky'Eddiini n'Empagi Yabwo)

Ekikolo ky'Obusiraamu nempagi yaabwo biri mu nsonga bbiri;

1. Esooka; Okusinza Allāh nga tagattibwaako kintu kirala kyonna n'okukikubiriza, n'okwagalanira ku kyo, n'okukaafuwaza oyo yenna akirese.
2. Ensonga y'okubiri; Okutiisa okukola shirk mu kusinza Allāh. N'okukambuwala ku kyo, n'okuwalana ku kyo, n'okukaafuwaza oyo ekikoze.

NB: ebikolo ebyo waggulu (2) y'ensibuko ya Aqīdah ya al-Walā'a wal-Barā'ah. Era nga nnyweevu ku mutima gw'Omusiraamu. N'ekikolo ky'enzikiriza eyo kiyimiridde ku kweyawula wakati w'Abasiraamu n'abatali basiraamu, nga baawukanira ku bikolo (Aslu) by'eddiini so si

kwawukanira ku bikolo bya mawanga/ensi (nationalism) n'ebitundu. Omusiraamu yenna ayawula Allāh (Muwahhid) abeera muganda wange ku lwa Allāh, mwagala era mutaasa k'abe ng'andi wala, ate nga omukaafiiri ne murtad mulabe wange era munnyigira k'abe nga andi kumpi.

Ensonga 3: Laa ilaaha illallāh (Amakulu Gakyo)

Ekigambo ekyo kye kyawula wakati w'obukaafiiri n'Obusiraamu, kye kigambo ky'okutya Allāh (Taqwa), gwe Muguwa Omunywevu (Urwat-ul Uthqa); okukyogera obwogezi ku lulimi tekimala nga tomanyi makulu gakyo era nga tokoledde ku bye kikugamba (okukulagira, okukuziyiza, okukukkiriza, etc), kubanga abannaanfuusi bakyogera so ng'ate be bagenda okusooka ku nto y'Omuliro. Wabula, kituukirira mu kukyogera awamu n'okumanya amakulu gaakyo, okukyagala n'okwagala bannannyini kyo n'okubakolako omukwano, n'okunyigira abakyawukanyeko, okubawalana n'okubalwanyisa.

Shahādah eyo (ekigambo – Laa ilaaha illallāh) ejjawo (an-Nafi'u) n'okunywezaawo (Ithbāt), kubanga "Lā ilāha" ejjawo buli kika ky'okusinza kyonna ekitali Allāh (Nafi'u). Ate yo "illa Allāh" enywezaawo buli kika ky'okusinza nga kukolebwa eri Allāh yekka tagattibwaako. Ne mw'ebyo Shahādah eyo by'ekulagira, kwe kukakasa nti mazima Muhammad Mubaka wa Allāh (SAW). Nga okumukakasa okwo kitegeeza kumugondera mu bye yalagira, n'okwesamba ebyo byeyagaana n'okutiisa. Ebyo gattako okumukakasa mw'ebyo byonna bye yayogera.

Ensonga 4: Shurūt Laa ilaaha illallāh (Obukwakkulizo/obulombolombo bwa Laa Ilāha Illallāh)

Allāh yaddira ekigambo kya Kalimat Tawhīd (**Laa ilaaha illallāh**) nga kye kiyingiza omuntu mu Busiraamu, era y'ensonga ewonya omuntu omuliro. Naye tekigasa kw'oyo akyogedde singa abatatuukirizza bukwakkulizo bwakyo. Mazima baabuuza Hasan al-Basri; "Mazima abantu tubawulira nga bagamba nti omuntu bw'agamba "Laa ilaaha illallāh" agenda kuyingira Ejjana, n'abagamba nti omuntu bw'ayogera ekigambo ekyo n'atuukiriza obukwakkulizo bwakyo n'eby'etteeka byakyo agenda kuyingira Ejjana." [Jāmi Ulūm wal-Hikam]. Imam Al-Bukharī (rh) n'agamba nti baabuuza omusalafu ayitibwa Wahbi Munnabih (rh); "Laa ilaaha illallāh ssi kye kisumuluzo ky'Ejjana? N'abaanukula nti, Yye! Naye tekibeera kisumuluzo okujjako nga kiba

n'amannyo - bw'ojja n'ekisumuluzo nga kirina amannyo kijja kukuggulirawo naye bw'ojja n'ekisumuluzo nga tekirina mannyo tekijja kukuggulirawo." [Jāmi Ulūm wal-Hikam]. N'amannyo g'ekisumuluzo ky'Ejjana bwe bukwakkulizo bwa **Laa ilaaha illallāh**, era nabwo bwebuno wammanga;

1) **Al-ilm (Okumanya)** – amakulu gakyo (ekigambo ekyo) bye kijjawo (Nafi) n'okunywezaawo (Thibāt).
2) **Al-Yaqeen (Okukakasa)** – nga kwe kumanya okujjuvu ku kigambo ekyo nga kujjawo okubuusabusa n'okutankana.
3) **Al-Ikh'lāsu (Okukola ku Lwa Allāh)** – ekijjawo Shirk (okugatta ku Allāh).
4) **As-Swidiq (Okubeera ow'amazima)** – Ekijjawo okulimba n'okulimbisa (mu kukyogera).
5) **Al-Hubbu (Okwagala Ekigambo ekyo)** – n'ebyo bye kigamba n'okubeera omusanyufu ku byo.
6) **Al-Itiba'a (Okugoberera n'okugondera ebivunaanwa byakyo)** – nga obikola ku Lwa Allāh (SWT) n'okunoonya Okusiima Kwe.
7) **Al-Imaan (Okukikkiriza)** – ekijjawo okukigaana n'okukiwakanya.

NB: - Obukwakkulizo obwo bwonna bulina obujulizi bwaabwo obweyolefu mu Qur'ān ne Sunnah.

Ensonga 5: An-Nawāqidh-ul Islām (Ebyonoona Obusiraamu)

Mazima ebintu ebijja Omusiraamu mu Busiraamu singa aba abikoze era n'ayitibwa Murtad olw'okuva ku nkola ya Tawhīd bingi naye ebisinga obukulu biri kkumi (10) nga bwe yagamba Shaykh Imaam Da'wah Shaykh Muhammad Ibn Abdulwahhāb Ibn Sulaimān At-Tamiimi (1115 – 1206 H) (Allāh amusaasire) nti; "Kimanye mazima ebyonoona Obusiraamu biri kkumi." Nga nabyo bye bino;

1. **Okukola Shirk** (okugatta ku Allāh mu kumusinza oba okusinza ebitali Allāh) oba okukola omulimu gw'okusinza n'agukolera atali Allāh nga:- okugondera ebitonde, okwagala ebitonde, okwesigamira ebitonde, okwelaliikirira ebitonde. Obujulizi, Allāh (SWT) yagamba;

إِنَّ ٱللَّهَ لاَ يَغْفِرُ أَن يُشْرَكَ بِهِ وَيَغْفِرُ مَا دُونَ ذَٰلِكَ لِمَن يَشَآءُ وَمَن يُشْرِكْ بِٱللَّهِ فَقَدْ ضَلَّ ضَلاَلاً بَعِيداً

"Mazima Allāh tasonyiwa oyo amugatta n'ekintu ekirala. Wabula asonyiwa ebitali ekyo eri oyo gw'aba ayagadde. N'omuntu agatta Allāh n'ebintu ebirala mazima aba abuze olubula olw'ewala." [An-Nisā 4:116]

إِنَّهُ مَن يُشْرِكْ بِٱللَّهِ فَقَدْ حَرَّمَ ٱللَّهُ عَلَيهِ ٱلْجَنَّةَ وَمَأْوَاهُ ٱلنَّارُ وَمَا لِلظَّٰلِمِينَ مِنْ أَنصَارٍ

"Mazima omuntu yenna agatta Allāh n'ekintu ekirala, ddala mazima yaziyiza Allāh ku ye okuyingira Ejjana. N'obuddo bwe, muliro. Era tebalina abalyazaamaanyi mutaasa." [Al-Mā'idah 5:72]

2. **Omuntu okuteeka wakati we ne Allāh (SWT) ky'ayitiramu** ng'asaba oba nga akisaba kimuwolereze ewa Allāh (SWT) era ng'akyesigamira. Obujulizi Allāh (SWT) yagamba;

وَيَعْبُدُونَ مِن دُونِ ٱللَّهِ مَالاَ يَضُرُّهُمْ وَلاَ يَنفَعُهُمْ وَيَقُولُونَ هَٰؤُلآءِ شُفَعَاؤُنَا عِندَ ٱللَّهِ قُلْ أَتُنَبِّئُونَ ٱللَّهَ بِمَا لاَ يَعْلَمُ فِى ٱلسَّمَاوَاتِ وَلاَ فِى ٱلأَرْضِ سُبْحَانَهُ وَتَعَالَىٰ عَمَّا يُشْرِكُونَ

"Ne basinza ebyo ebitali Allāh ebyo ebitabaleetera kabi singa tebabisinzizza era ebitabagasa ne bagamba nti: Abo be bawolereza baffe awali Allāh. Bagambe nti: Mutegeeza Allāh ebyo by'atamanyi, mu ggulu wadde mu nsi? Yayawukana Allāh n'Agulumira kw'ebyo bye bamugattako." [Yūnus 10:18]

3. **Atakaafuwaza ba Mushrikin (n'abakaafiiri)** mu mutima gwe, oba mu bigambo bye oba mu bigambo bye. Oba n'abusabuusa mu bukaafiiri bwabwe oba n'akitwala (nakkiriza) nti nabo kye baliko (ddiini/nkola) nti butuufu (nga okulya ribbah, okuyita obukunya abaana baabwe okwefumbiza, abakyakala baabwe okutayaaya mu makubo ne mu butale, etc). Obujulizi Allāh (SWT) yagamba;

وَلَقَدْ أُوْحِىَ إِلَيْكَ وَإِلَى ٱلَّذِينَ مِن قَبْلِكَ لَئِنْ أَشْرَكْتَ لَيَحْبَطَنَّ عَمَلُكَ وَلَتَكُونَنَّ مِنَ ٱلْخَاسِرِينَ

"Mazima ddala watumirwa ggwe n'eri (Bannabi) abo abaakusooka (nti) –Singa wagatta ku Allāh ekintu ekirala (n'okusinza ekitali Ye) emirimu gyo gyandiyonoonese era wandibeeredde ddala mu bafiiriddwa." [Az-Zumar 39:65]

وَمَن يَبْتَغِ غَيْرَ ٱلإِسْلاَمِ دِيناً فَلَنْ يُقْبَلَ مِنْهُ وَهُوَ فِى ٱلآخِرَةِ مِنَ ٱلْخَاسِرِينَ

"N'omuntu anoonya obutali Busiraamu okugifuula eddiini, si ya kukkirizibwa kuva gy'ali, naye ku Lunaku lw'Enkomerero aliba wa mu bafaafaaganiddwa." [Āl Imrān 3:85]

4. Omuntu akkiriza nti obulunngamu obutali bwa Nabbi (SAW) bwe yajja nabwo nti bwe businga obwa Nabbi (SAW) oba obulamuzi (okulamula) obutali bwa Nabbi (SAW) bwe yatumwa nabwo nti bwe businga obulungi. Okugeza nga abo abasukkulumya okulamula kw'ebitonde

namateeka gaabyo ge biba bitaddewo nga yye alaba nti amateeka gaabyo ge gamusingira, omuntu oyo aba akaafuwadde nga Obusiraamu abufulumyeemu. Allāh (SWT) yagamba;

إِنِ ٱلْحُكْمُ إِلاَّ لِلَّهِ أَمَرَ أَلاَّ تَعْبُدُوٓاْ إِلاَّ إِيَّاهُ ذَٰلِكَ ٱلدِّينُ ٱلْقَيِّمُ وَلَٰكِنَّ أَكْثَرَ ٱلنَّاسِ لاَ يَعْلَمُونَ

"Tekuli okulamula wabula kwa Allāh, yalagira nti muleme okusinza ekirala kyonna wabula Ye Yekka. Eyo y'eddiini engolokofu, naye abantu abasing obungi tebamanyi." [Yūsuf 12:40]

فَلاَ وَرَبِّكَ لاَ يُؤْمِنُونَ حَتَّىٰ يُحَكِّمُوكَ فِيمَا شَجَرَ بَيْنَهُمْ ثُمَّ لاَ يَجِدُواْ فِيۤ أَنْفُسِهِمْ حَرَجاً مِّمَّا قَضَيْتَ وَيُسَلِّمُواْ تَسْلِيماً

"NEDDA, ndayidde Omulezi wo, TEBAJJA kukkiriza (Mazima) okutuusa lwe banaakulamuzisanga wakati waabwe, n'oluvannyuma ne batasigala mu myoyo gyabwe kakunkuna konna mw'ekyo ky'oba olamudde, wabula ne bagoberera olugoberera (ne bagoonda)." [An-Nisā 4:65]

وَمَن لَّمْ يَحْكُم بِمَآ أَنزَلَ ٱللَّهُ فَأُوْلَٰئِكَ هُمُ ٱلْكَافِرُونَ

"N'omuntu atalamula n'ebyo Allāh bye yassa: n'abo be bakaafiiri (abawakanyi abatakkiriza)" [Al-Mā'idah 5:44]

أَلَمْ تَرَ إِلَى ٱلَّذِينَ يَزْعُمُونَ أَنَّهُمْ آمَنُواْ بِمَآ أُنْزِلَ إِلَيْكَ وَمَآ أُنزِلَ مِن قَبْلِكَ يُرِيدُونَ أَن يَتَحَاكَمُوۤاْ إِلَى ٱلطَّاغُوتِ وَقَدْ أُمِرُوۤاْ أَن يَكْفُرُواْ بِهِ وَيُرِيدُ ٱلشَّيْطَانُ أَن يُضِلَّهُمْ ضَلاَلاً بَعِيداً

"Tolaba abo abagamba (nga balimba) nti: Mazima bo bakkkiriza ebyo ebyassibwa gy'oli n'ebyo ebyassibwa oluberyeberye lwo, ate nga baagala okulamulwa Twagūti (sitaane), nga mazima baalagirwa okugikaafuwalira/okugiwakanya? Sitaane ky'ayagala kwe kubabuza olubula olw'ewala ennyo." [An-Nisā 4:60]

NB: Ayah ezo zonna zeewaza n'okuvumirira omuntu atalamuza Qur'ān ne Sunnah.

5. **Omuntu yenna okunyigira ekintu kyonna mw'ebyo Omubaka (SAW) kye yajja nakyo.** Ne bw'aba nga akiteeka mu nkola (nga akikola) naye nga mumutima gwe akitamwa. Allāh (SWT) agamba;

ذَٰلِكَ بِأَنَّهُمْ كَرِهُواْ مَآ أَنزَلَ ٱللَّهُ فَأَحْبَطَ أَعْمَالَهُمْ

"Ekyo lwa kubanga bo (abannanfuusi) batamwa ebyo Allāh bye yassa, Naye n'ayonoona (naasazaamu) emirimu gyabwe." [Muhammad 47:9]

6. Singa omuntu yenna ajeeja, akakkanya n'okunyooma ekintu kyonna ekiri mi Ddiini Nabbi (SAW) gye yajja nakyo, oba empeera Allāh (SWT) zaawa aba akikoze, oba ekibonerezo Allah (SWT0 kyabonereza nakyo – omuntu oyo aba akaafuwadde. Obujulizi Allāh (SWT) yagamba;

وَلَئِن سَأَلْتَهُمْ لَيَقُولُنَّ إِنَّمَا كُنَّا نَخُوضُ وَنَلْعَبُ قُلْ أَبِٱللَّهِ وَآيَاتِهِ وَرَسُولِهِ كُنتُمْ تَسْتَهْزِءُونَ * لاَ تَعْتَذِرُواْ قَدْ كَفَرْتُمْ بَعْدَ إِيمَانِكُمْ إِن نَّعْفُ عَن طَآئِفَةٍ مِّنْكُمْ نُعَذِّبْ طَآئِفَةً بِأَنَّهُمْ كَانُواْ مُجْرِمِينَ

"Singa obabuuzizza (Ggwe Muhammad lwaki bajeeja abakkiriza?) bajja kugambira ddala nti: Mazima tubadde tunyumya bunyumya era nga tuzannya. Bagambe nti: Allāh n'Ebigambo Bye n'Omubaka We bye mubadde mujeeja? Temwetonda! Mu mazima mukaafuwadde oluvannyuma lw'obukkiriza bwammwe. Bwe tunaaba tusonyiye ekibiina mu mmwe, tujja kubonyabonya ekibiina (ekirala) olw'okubanga mazima bo boonoonyi." [At-Tawbah 9:65-66]

7. Omuntu okwetaba mu bikolwa eby'okuloga oba okukozesa Eddogo (sihr), n'ebikolwa eby'okufuusafuusa. Omuntu abikola oba abisiima aba akaafuwadde. Obujulizi, Allāh (SWT) yagamba;

وَمَا يُعَلِّمَانِ مِنْ أَحَدٍ حَتَّىٰ يَقُولاَ إِنَّمَا نَحْنُ فِتْنَةٌ فَلاَ تَكْفُرْ

"Wabula (Bamalaika abo ababiriri) tebaayigirizanga muntu n'omu nga tebamutegeezezza nti: Ffe tuli kikemo n'olwekyo tokaafuwala." [Al-Baqarah 2:102]

8. Okuyamba ba mushrikūn n'okubakuuma, okubawa amagezi, okubawolereza oba okubayambako mu ngeri yonna mu kulwanyisa Abasiraamu n'Obusiraamu. Obujulizi ky'Ekigambo kya Allāh (SWT);

يَٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ آمَنُواْ لاَ تَتَّخِذُواْ ٱلْيَهُودَ وَٱلنَّصَارَىٰ أَوْلِيَآءَ بَعْضُهُمْ أَوْلِيَآءُ بَعْضٍ وَمَن يَتَوَلَّهُمْ مِّنكُمْ فَإِنَّهُ مِنْهُمْ إِنَّ ٱللَّهَ لاَ يَهْدِى ٱلْقَوْمَ ٱلظَّٰلِمِينَ

"Abange mmwe abakkiriza! Temufuulanga Abayudaaya n'Abakristaayo ab'emikwano enfiirabulago, ba mikwano ku bokka na bokka. N'omuntu abakwana mu mmwe mazima ye abeera wa mu bo. Mazima Allāh talunngamya kibiina ky'abalyazaamaanyi." [Al-Mā'idah 5:51]

يَٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ آمَنُواْ لاَ تَخُونُواْ ٱللَّهَ وَٱلرَّسُولَ وَتَخُونُوٓاْ أَمَانَاتِكُمْ وَأَنْتُمْ تَعْلَمُونَ

“Abange mmwe abakkiriza! Temukumpanyanga Allāh n’Omubaka, era ne mukumapanya ebyama byammwe nga mubiwa abakaafiiri nga nammwe mumanyi.” [Al-Anfāl 8:27]

...وَمَن يَفْعَلْهُ مِنكُمْ فَقَدْ ضَلَّ سَوَآءَ ٱلسَّبِيلِ

“...era n’oyo anaakikola ekyokubayambako ajja kuba abuze olubula olw’ewala.” [Al-Mumtahinah 60: 1]

NB: Ayah ezo zonna waggulu nga bwetuzilabye zivumirira n’okwewaza omuntu yenna alina enkolagana ey’omunda naabakaafiiri. Ne bw’aba nga ababegera bubegezi (abakettera/nga abawa amawulire agakwata ku Basiraamu – spy).

9. Omuntu akkiriza nti abantu abamu bali wabweeru w’amateeka ga Shar’iyyah ya Allāh (SWT). Amakulu nti bo banjawulo nti Amateeka agassibwa ku Mubaka (SAW) tegabakwatako ne bwe boonoona batya. Nga agezaako okufaananya ekyafaayo kya Nabbi Mūsā ne Khidri. Khidhiri yaliwo ku mulembe gwa Nabbi Mūsā (AS) naye nga amateeka ga Nabbi Mūsā (AS) tegamulamulako. Omuntu aba ne ntegeera efaananako bw’etyo aba akaafuwadde. Obujulizi Allāh (SWT) yagamba;

وَمَن يَبْتَغِ غَيْرَ ٱلإِسْلاَمِ دِيناً فَلَنْ يُقْبَلَ مِنْهُ وَهُوَ فِى ٱلآخِرَةِ مِنَ ٱلْخَاسِرِينَ

“N’omuntu anoonya obutali Busiraamu okugifuula eddiini, si ya kukkirizibwa kuva gy’ali, naye ku Lunaku lw’Enkomerero aliba wa mu bafaafaaganiddwa.” [Āl Imrān 3:85]

قُلْ يٰأَيُّهَا ٱلنَّاسُ إِنِّى رَسُولُ ٱللَّهِ إِلَيْكُمْ جَمِيعاً...

“Gamba nti: Abange mmwe abantu! Mazima nze ndi Mubaka wa Allāh gye muli mwenna.” [Al-A’rāf 7: 158]

10. Omuntu okwesamba natafaayo kweyigiriza Eddiini ye ey’Obusiraamu, n’okubeera nga tagikolerako. Obujulizi ku kyo, Allāh (SWT) yagamba;

وَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّن ذُكِّرَ بِآيَاتِ رَبِّهِ ثُمَّ أَعْرَضَ عَنْهَآ إِنَّا مِنَ ٱلْمُجْرِمِينَ مُنتَقِمُونَ

“Era ani omulyazaamaanyi okusinga oyo abuulirwa Amateeka g’Omulezi we, oluvannyuma n’agaawukanako? Mazima Ffe tuli ba kwesasuza ku boonoonyi.” [As-Sajdah 32:22]

Weetegereze ensonga zino wammanaga;

a. Tewaliiwo njawulo wakati w'esonga ezo waggulu ebisazaamu Obusiraamu (An-Nawāqidh-ul Islām) wakati w'oyo asagaamu obusaazi, oba oyo akikakasa, n'oyo atidde – wabula atakaafuwala yekka ye Mukrahu (akakibbwa).

b. Era ensonga ezo zonna waggulu ezijja omuntu mu Busiraamu ze zisinga okuba ez'akabenje, era ze zisinga okugibwamu (okukolebwa) abantu abasinga obungi. Naye waliyo ne endala zetutalees wano, zino Shaykh Muhammad Ibn Abdul-Wahhāb (rh) zeyasobola okuleetako.

c. Kyetaagisa buli Musiraamu yenna okubeera nga azeewala n'okutya okuzigwaamu.

d. Tawbah (okwenenya) y'omuntu oyo aba aziguddemu – kuddamu kuleeta (kutoola) Shahādah nga bukyali singa omwoyo gwe guba tegunnatuuka mu ddokooli oba nga enjuba tennava gy'egwa okudda gy'eva.

Ensonga 6: Emiteeko gya Tawhīd

1. Tawhīd Rubūbiyyah:-

Ono ye Tawhid w'Obulezi. Nga nakyo kwe kwawula Allāh (SWT) mu Bikolwa Bye. Era kwe kukkiriza nti Allāh (SWT) yeyatonda ebitonde Yekka, era y'abigabirira Yekka, era Ye Yekka y'ateekerateekera ebitonde byonna. Abantu abasinga obungi olw'obutonde (fitrah) bwabwe bakakasa nti Allāh (SWT) ye Mutonzi, era Omugabirizi, Omuteesiteesi, Y'awa Obulamu era Y'atta. Ekyo bakimanyi bulungi nti ebyo Allāh (SWT) abikola era babikakasa ku Ye. N'abakaafiiri Nabbi (SAW) beyalwaanyisa n'akkiriza okuyiwa emisaayi gyaabwe n'emmaali yaabwe, ebyo baali babikakasa bulungi. Nga n'obujulizi ku kyo, Allāh (SWT) agamba;

قُلْ مَن يَرْزُقُكُم مِّنَ ٱلسَّمَآءِ وَٱلأَرْضِ أَمَّن يَمْلِكُ ٱلسَّمْعَ وٱلأَبْصَارَ وَمَن يُخْرِجُ ٱلْحَىَّ مِنَ ٱلْمَيِّتِ وَيُخْرِجُ ٱلْمَيِّتَ مِنَ ٱلْحَىِّ وَمَن يُدَبِّرُ ٱلأَمْرَ فَسَيَقُولُونَ ٱللَّهُ فَقُلْ أَفَلاَ تَتَّقُونَ

"Bagambe (Ggwe Muhammad) nti: Ani abagabirira okuva mu ggulu ne mu nsi? (Oba) ani afuga okuwulira n'okulaba? Era ani aggya ekiramu mu kifudde era n'aggya ekifudde mu kiramu era n'alabirira ebigambo (ensonga zonna)? Bajja kugamba nti: Allāh (Y'akola ebyo byonna). Olwo bagambe nti: Abaffe temutya (temumutya)?" [Yūnus 10:31]

Esonga 10 ku Aqīdah

Naye Tawhīd ono yekka (Rubūbiyyyah) – omuntu okukikkiriza nti Allāh (SWT ye yamutonda, y'amugabirira era y'amuwa obulamu – ekyo tekimala kumuyingiza Obusiraamu, ebbanga ly'amala nga takkiriza Tawhīd 'Ulūhiyyah (Tawhīd w'Okusinza Allāh).

2. Tawhīd 'Ulūhiyyah:-

Kwe kwawula Allāh (SWT) n'ebikolwa by'okusinza nga okumusaba (du'a), okweyama (an-nadhr), okusala (an-nahari), okusuubira (raja), okutya (khawf), okwagala (hubbu) n'okutya (rahaba, raghaba), okudda gy'Ali ('Ināba), okusaba obuyambi, okwekingiriza, okusukkulumya, okukutama (ruku'), okulwana (Jihād, Qitāl), etc. N'amakulu amalala (aga Tawhīd ono) – Mazima omuddu akola 'Ibādah nga agendereramu kusembera eri Allāh (SWT) Yekka. Bw'akola 'Ibādah bw'atyo abeera Musiraamu akakasizza Tawhīd; n'aye omuddu bw'akola 'Ibādah nga tagendereramu kusembera eri Allāh (SWT) oba n'agikyusa, oyo bw'atyo aba tatuukirizza Tawhīd era aba agudde mu Shirk. Tusaba Allāh (SWT) amututaase. Tawhīd ono era ayitibwa – Tawhīd al-'Ibādah (Tawhīd w'okusinza). Era olwa Tawhīd oyo y'ensonga lwaki Ababaka bonna baatumwa. Kubanga buli Mubaka yenna ky'ekyo kye yatandikirangako okukowoola (eri) abantu be. Allāh (SWT) agamba;

وَلَقَدْ بَعَثْنَا فِى كُلِّ أُمَّةٍ رَّسُولاً أَنِ ٱعْبُدُواْ ٱللَّهَ وَٱجْتَنِبُواْ ٱلْطَّاغُوتَ

"Era mazima twatumanga mu buli kibiina omubaka (abalagire nti:) Musinze Allāh, mwekeke (okusinza) Twagūti." [An-Nahl 16:36]

لَقَدْ أَرْسَلْنَا نُوحاً إِلَىٰ قَوْمِهِ فَقَالَ يَاقَوْمِ ٱعْبُدُواْ ٱللَّهَ مَا لَكُمْ مِّنْ إِلَٰهٍ غَيْرُهُ إِنِّيَ أَخَافُ عَلَيْكُمْ عَذَابَ يَوْمٍ عَظِيمٍ

"Mazima twatuma Nūhu eri ekibiina kye n'agamba nti: Abange ekibiina kyange! Musinze Allāh. Temulina Ilāha mulala atali Ye. Mazima nze mbatiisa mmwe ebibonyobonyo by'Olunaku Olw'ekikangabwa." [Al-A'rāf 7:59]

وَإِلَىٰ عَادٍ أَخَاهُمْ هُوداً قَالَ يَاقَوْمِ ٱعْبُدُواْ ٱللَّهَ مَا لَكُمْ مِّنْ إِلَٰهٍ غَيْرُهُ أَفَلاَ تَتَّقُونَ

"Era n'ekika kya Aadi (twabatumira) muganda waabwe Hūdu. N'agamba nti: Abange ab'ekibiina kyange! Musinze Allāh! Temulina Ilāha mulala atali Ye. Abaffe temutya?" [Al-A'rāf 7:65]

وَإِلَىٰ ثَمُودَ أَخَاهُمْ صَالِحاً قَالَ يَاقَوْمِ ٱعْبُدُواْ ٱللَّهَ مَا لَكُمْ مِّنْ إِلَٰهٍ غَيْرُهُ

"N'eri (ekika) kya Thamūdu (twabatumira) muganda waabwe Swālihi.

N'agamba nti: Abange ab'ekibiina kyange! Musinze Allāh! Temulina Ilāha mulala atali Ye." [Al-A'rāf 7:73]

وَإِلَىٰ مَدْيَنَ أَخَاهُمْ شُعَيْباً قَالَ يَاقَوْمِ ٱعْبُدُواْ ٱللَّهَ مَا لَكُمْ مِّنْ إِلَٰهٍ غَيْرُهُ

"N'eri abantu b'omu Madiyana (twabatumira) muganda waabwe Swaibu, n'agamba: Abange ab'ekibiina kyange! Musinze Allāh! Temulina Ilāha mulala atali Ye." [Al-A'rāf 7:85]

Era omuteeko gwa Tawhīd guno gwe guliko okusika omuguwa okuviira ddala emabega paka kati – wakati w'Ababaka n'abantu bebaabatuma (eri). Era olwa Tawhīd Nabbi (SAW) kyeyava alwanyisa abakaafiiri aba Quraysh. Era olwa Tawhīd oyo, yensonga lwaki ba Khalīfah abalunngamu (Khulafah ar-Rāshideen – Abū Bakr as-Swiddiq, 'Umar al-Farooq, Uthamān ibn Affān ne 'Alī ibn Abī Twālib) baalwanyisa ba Murtadeen.

3. Tawhīd Asmā was-Swifāt: -

Amannya n'Ebitendo bya Allāh (SWT). Naye kwe kukkiriza buli kyonna ekisinnganibwa mu Qur'ān ne Ahādith entuufu mu Mannya ga Allāh n'Ebitendo Bye byeyetenda nabyo Ye Kennyini (Allāh) oba ebyamutendebwa nabyo Omubaka We (SAW) mu butuufu. N'okukkiriza nti mazima Allāh (SWT);

لَيْسَ كَمِثْلِهِ شَيْءٌ وَهُوَ ٱلسَّمِيعُ ٱلْبَصِيرُ

"Tewali kintu (na kimu) kifaanana nga Ye; Naye Awulira, Alaba." [Ash-Shūra 42:11]

Era kikakata okukkiriza Amannya ga Allāh n'Ebitendo Bye Ebinyweevu mu Qur'ān ne Sunnah, amakulu gaabyo, obulamuzi bwabyo ku ntegeera y'aba As-Salafu As-Swālih. Amannya ga Allāh n'Ebitendo Bye tubimanyira mu Qur'an ne Sunnah. Tekikkirizibwa eri omuntu yenna k'abe ani okujja (okuleeta) n'erinnya lyonna yadde ekitendo kyonna nga tebiri (tebisangibwa) mu Qur'ān ne (oba) Sunnah.

Olw'ensonga Amannya ga Allāh n'Ebitendo Bye by'ebyo ebiriko obujulizi. Ye lye yeyita oba Ekitendo kye yetenda nakyo, oba, Erinnya erya muyitibwa nalyo Omubaka (SAW). Amannya ga Allāh gonna Malungi era mangi. Mu ggo Ye As-Swamadu, Al-Bāri'u, As-Sami'u, Al-Baswiru, Ar-Rahmān, Ar-Rahīm: era nga bw'alina Ebitendo bingi era ebya Waggulu. Mu byo; Omusaasizi, W'amaanyi, Mugezi, Mulamu, Wakitiibwa, Mumanyi, n'ebirala.

Ensonga 7: Emiteeko gya Shirk

1. Shirk al-Akbaru (Shirk Omunene); -

Zzambi ddene Allāh talisonyiwa era takkiriza mulimu gwa muntu yenna omulungi gw'akoze nga alina Shirk oyo. Allāh (SWT) agamba;

إِنَّ ٱللَّهَ لَا يَغْفِرُ أَن يُشْرَكَ بِهِۦ وَيَغْفِرُ مَا دُونَ ذَٰلِكَ لِمَن يَشَآءُ

"Mazima Allāh tayinza kusonyiwa oyo amugatta n'ebintu ebirala, naye asonyiwa kyonna ekitali ekyo ku oyo gw'ayagala." [An-Nisā 4:48]

إِنَّهُۥ مَن يُشْرِكْ بِٱللَّهِ فَقَدْ حَرَّمَ ٱللَّهُ عَلَيْهِ ٱلْجَنَّةَ وَمَأْوَىٰهُ ٱلنَّارُ وَمَا لِلظَّٰلِمِينَ مِنْ أَنصَارٍ

"Mazima omuntu yenna agata Allāh n'ekintu ekirala, ddala mazima yaziyiza Allāh ku ye okuyiongira Ejjana. N'obuddo bwe, Muliro. Era tebalina abalyazaamaanyi mutaasa." [Al-Mā'idah 5:72]

لَئِنْ أَشْرَكْتَ لَيَحْبَطَنَّ عَمَلُكَ وَلَتَكُونَنَّ مِنَ ٱلْخَٰسِرِينَ

"Singa wagatta ku Allāh ekintu ekirala emirimu gyo gyandiyonoonese era wandibeeredde ddala mu bafiiriddwa." [Az-Zumar 39:65]

Shirk al-Akbaru alimu emiteeko ena (4);

a) Shirk w'okusaba (Du'a).
b) Shirk w'okumalirira (Niyyah), (Irādah) n'okugenderera (Al-Qasdu).
c) Shirk w'okugonda (At-Twa'a).
d) Shirk w'okwagala (Hubbu)

2. Shirk al-Asgharu (Shirk Omutono):-

Y'oyo yenna ayinza okuviirako okukola Shirk omunene era nga kkubo erikusuula mu Shirk omunene. Nga Riya (kabandabe), okulayira ekitali Allāh, omuntu okugamba nti singa Allāh ayagala ne gundi n'ayagala, n'ekigambo – 'Neesigamidde Allāh n'awe', n'ebirala ebitali ebyo. Batono nyyo mu Basiraamu ababiwona obutabigwamu. N'omutango gwabyo ye muntu okugamba/okusoma edduwa eno;

اللَّهم إني أعوذ بك أن أشرك بك شيئاً أعلمه، وأستغفرك مما لا أعلم

"Ayi Allāh mazima nze neewogoma gy'Oli okukugattako ekintu kyonna nga nkimanyi, era nkusaba onsonyiwe okukugattako ebyo byessimanyi." (Ahmad n'abalala. Haythamī ne Ibn Hibbān baagamba nti eri swahih)

Ensonga 8: Emiteeko gy'Obukaafiiri (Kufr)

1. Kufr Akbaru (Obukaafiiri Obunene):-

Buno bwe bukaafiiri obujja omuntu mu Busiraamu, era bulimu emiteeko etaano (5), nagyo;

a) Obukaafiiri bw'okulimbisa.
b) Obukaafiiri bw'okugaana n'okwekuza.
c) Obukaafiiri bw'okubusabuusa.
d) Obukaafiiri bw'okwesamba (okukuba amabega) Eddiini.
e) Obukaafiiri bw'obunnanfuusi.

2. Kufr Asgharu (Obukaafiiri Obutono):-

Bwe bukaafiiiri obutajja muntu mu Busiraamu. Ye muntu okukaafuwalira/okuwakanya ekyengera. N'obujulizi, Allāh (SWT) yagamba;

وَضَرَبَ ٱللَّهُ مَثَلاً قَرْيَةً كَانَتْ آمِنَةً مُّطْمَئِنَّةً يَأْتِيهَا رِزْقُهَا رَغَداً مِّن كُلِّ مَكَانٍ فَكَفَرَتْ بِأَنْعُمِ ٱللَّهِ فَأَذَاقَهَا ٱللَّهُ لِبَاسَ ٱلْجُوعِ وَٱلْخَوْفِ بِمَا كَانُواْ يَصْنَعُونَ

"Allāh yakuba ekifaananyi ky'ekyalo ekyali nga kiri mirembe era nga kitebenkedde (n'abantu baakyo), ne bikijjira eby'okulya byakyo mu bujjuvu okuva mu buli kifo: wabula ne kyegaana ebyengera bya Allāh (okutumibwa kw'Omubaka Muhammad nga wa mu bo) –, Allāh n'akikombesa ku kyambalo (ekibi) eky'enjala n'okutya ku lw'ebyo bye baali bakola (abantu baakyo)." [An-Nahl 16:112]

Ensonga 9: Emiteeko gy'Obunnanfuusi (Nifaq)

1) Nifaq Akbar (Obw'enzikiriza)

Ye muntu okukweka obukaafiiri mu mutima n'ayolesa obukkiriza ku lulimi ne ku biyungo. Era kulimu emiteeko mukaaga (6). Nannyini bunnaanfuusi obwo y'agenda okusooka wansi mu mukko (entobo) y'Omuliro, nga Allāh (SWT) bw'agamba;

إِنَّ ٱلْمُنَافِقِينَ فِى ٱلدَّرْكِ ٱلأَسْفَلِ مِنَ ٱلنَّارِ وَلَن تَجِدَ لَهُمْ نَصِيراً

"Mazima abannaanfuusi balibeera mu muko ogukomererayo wansi mu Muliro; era togenda kubafunira mutaasa." [An-Nisā 4:145]

Emiteeko ena gye gino;

a) Okulimbisa Omubaka (SAW).
b) Okulimbisa ebimu kw'ebyo ebyajja n'Omubaka (SAW).
c) Okunyigira Omubaka (SAW).
d) Okunyigira ebimu kw'ebyo ebyajja n'Omubaka (SAW).
e) Okusanyuka nga Eddiini y'Omubaka (SAW) etyoboddwa.
f) Okutamwa okutaasa eddiini y'Omubaka (SAW).

2) Nifaq Asgharu (Obw'ebikolwa):-

Omuntu obufuna n'okukola ekikolwa mu bikolwa by'obunnaanfuusi oba okukola ekimu mu bitendo by'abannaanfuusi awamu n'okuba nga asigazza ekikolo ky'obukkiriza. Buno nabwo bulimu emiteeko etaano. Omubaka (SAW) yabulaga mu Hadith egamba; **"Obubonero bw'omunnaanfuusi buli busatu; bw'anyumya alimba, bw'akola endagaano agyawukanako, bwe yesigibwa akumpanya."** Mu njogera endala; **"Bw'ayomba asukka (ekigero) ekibadde kisaana, bw'aba alaganyisiddwa akumpamya."** [Bukharī ne Muslim].

Ensonga 10: Amakulu ga Twagūti (n'Emitwe Egisinga Okuba Emikulu)

Allāh (SWT) kye yasooka okulaalika ku muntu kwe kukaafuwalira Twagūti (Kufr Bi-Twagūti) n'okukkiriza Allāh (Imānu billāh) n'obujulizi Allāh (SWT) yagamba;

وَلَقَدْ بَعَثْنَا فِى كُلِّ أُمَّةٍ رَّسُولاً أَنِ ٱعْبُدُواْ ٱللَّهَ وَٱجْتَنِبُواْ ٱلْطَّاغُوتَ

"Era mazima twatumanga mu buli kibiina omubaka (abalagire nti:) Musinze Allāh, mwekeke (okusinza) Twagūti." [An-Nahl 16:36]

N'okukaafuwalira Twagūti kwe kukkiriza obukyamu bw'okusinza ekitali Allāh (SWT), n'okukileka, n'okukinyigira, n'okukaafuwaza bannannyini kyo, n'okubawalana. Naye okukkiriza Allāh; kwe kukkiriza nti mazima Allāh (SWT) Ye Musinzibwa Yekka, Teri asinzibwa mubutuufu okujjako Ye. N'oba nga olongoosa emiteeko gy'okusinza nga ogikolera Ye Yekka. Noleka okusinza byonna ebisinzibwa ebitali Ye, noyagala ku Lwa Allāh era nonyiiga ku Lwa Allāh (SWT).

Amakulu g'ekigambo Twaguuti;

Ky'ekyo kyonna omuntu ky'asussa ekigero kya kyo mu kukisinza, okukigoberera oba okukigondera.

Eky'okulabirako; abasinza sitaane, amajjini ago agabalagira okuloga abantu nga ekyo bakikola mu ngeri y'okugasinza – ne baba nga bagasinzizza mu ngeri y'okugagondera. Eky'okulabirako ky'abakulembeze ba amawanga ne gavumenti ne bakabaka n'abakulembeze abalagira be bakulembera okwawukana ku Mateeka ga Allāh (SWT) n'okwelamuzaako amateeka amagunjeewo (man-made laws – constitutions) n'okulwanyisa okulamuza Amateeka ga Allāh (SWT) n'oyo yenna akowoola okugateeka mu nkola. Abagoberezi baabwe abo ne babagoberera mw'ekyo. Naye eky'okulabirako ky'okugondera bakabona n'abasossodooti ne bamaseeka ababi – abo abakkiriza ebyo Allāh (SWT) bye yagaana ate nebagaana/nebaziyiza ebyo bye yakkiriza, era ne bagonderwa mw'ebyo. Sso nga Omusiraamu eyayawula Allāh (SWT) awakanya n'okukaafuwalira byonna ebisinzibwa, ebigobererwa n'ebigonderwa ebitali Allāh (SWT). Ebyo byonna n'abyesamba n'abo ababigoberera. Era n'abawalana n'abanyiigira era ekyo kye bayita Millat Ibrāhīm (A.S). Eyo y'enkola singa omuntu agyesamba aba yesiriwazza bwesiriwaza. Era nga kye ky'okulabirako ekirungi Allāh (SWT) kye yatukubiriza okugoberera mu Kigambo Kye;

قَدْ كَانَتْ لَكُمْ أُسْوَةٌ حَسَنَةٌ فِيٓ إِبْرَاهِيمَ وَٱلَّذِينَ مَعَهُ إِذْ قَالُواْ لِقَوْمِهِمْ إِنَّا بُرَءآؤُاْ مِّنْكُمْ وَمِمَّا تَعْبُدُونَ مِن دُونِ ٱللَّهِ كَفَرْنَا بِكُمْ وَبَدَا بَيْنَنَا وَبَيْنَكُمُ ٱلْعَدَاوَةُ وَٱلْبَغْضَآءُ أَبَداً حَتَّىٰ تُؤْمِنُواْ بِٱللَّهِ وَحْدَهُ

"Mazima mwalina eky'okugoberera ekirungi ddala mu (Nabbi) Ibrāhīm n'abo abaali awamu naye, mu kiseera bwe baagamba ekibiina kyabwe nti: Mazima ffe tubaawukanyeeko (era twesambye) ne kw'ebyo bye musinza ebitali Allāh. Tubawakanyizza,

era bumaze okweyoleka obulabe n'obukyaayi wakati waffe nammwe obw'olubeerera okutuusa lwe munakkiriza Allāh Yekka." [Al-Mumtahinah 60:4]

Era kiri mu Millat Ibrāhīm okulwanyisa ba Twagūti n'emikwano gyabwe n'abagoberezi baabwe; olw'okugendereramu okusitula Ekigambo kya Allāh (SWT) okubeera waggulu;

ٱلَّذِينَ آمَنُواْ يُقَاتِلُونَ فِى سَبِيلِ ٱللَّهِ وَٱلَّذِينَ كَفَرُواْ يُقَاتِلُونَ فِى سَبِيلِ ٱلطَّاغُوتِ فَقَاتِلُوٓاْ أَوْلِيَاءَ ٱلشَّيْطَانِ إِنَّ كَيْدَ ٱلشَّيْطَانِ كَانَ ضَعِيفاً

"Abo abakkiriza balwana mu Kkubo lya Allāh; n'abo abaakaafuwala balwana mu kkubo lya Twagūti: Kale mulwanyise abagoberizi ba sitaane. Mazima enkwe za sitaane ddala nnafu." [An-Nisā 4:76]

Emitwe gya Twaguuti

Ba Twawāghiti bangi, naye emitwe emikulu giri etaano;-

1) **Sitaane** – Ekowoola eri okusinza ekitali Allāh. Yagamba Allāh (SWT);

أَلَمْ أَعْهَدْ إِلَيْكُمْ يٰبَنِيٓ آدَمَ أَن لاَّ تَعْبُدُواْ ٱلشَّيطَانَ إِنَّهُ لَكُمْ عَدُوٌّ مُّبِينٌ

"Saalagaana nammwe (ne Mbakuutira) Abange mmwe batabani ba Adamu (abantu), nti temusinzanga Sitaane – Mazima ye mulabe wammwe omweyolefu?" [Yāsin 36:60]

Sitaane ye Twagūti enkulu ekola buli kaseera okuba nga ekyusa abantu babeere nga bagondera ekitali Allāh (SWT) era waliyo ne mu bantu abaagyegattako mu kuziyiza abantu eri okuzinza Allāh (SWT), era nabo (abantu ab'ekika ekyo) bayitibwa Twagūti.

2) **Omulamuzi omukumpanya akyusa Amateeka ga Allāh (SWT)**. N'obujulizi Allāh (SWT) yagamba;

أَلَمْ تَرَ إِلَى ٱلَّذِينَ يَزْعُمُونَ أَنَّهُمْ آمَنُواْ بِمَآ أُنْزِلَ إِلَيْكَ وَمَآ أُنزِلَ مِن قَبْلِكَ يُرِيدُونَ أَن يَتَحَاكَمُوٓاْ إِلَى ٱلطَّاغُوتِ وَقَدْ أُمِرُوٓاْ أَن يَكْفُرُواْ بِهِ وَيُرِيدُ ٱلشَّيْطَانُ أَن يُضِلَّهُمْ ضَلاَلاً بَعِيداً

"Tolaba abo abagamba (nga balimba) nti: Mazima bo bakkkiriza ebyo ebyassibwa gy'oli n'ebyo ebyassibwa oluberyeberye lwo, ate nga baagala okulamulwa Twagūti (sitaane), nga mazima baalagirwa okugikaafuwalira/okugiwakanya? Sitaane ky'ayagala kwe kubabuza olubula olw'ewala ennyo." [An-Nisā 4:60]

3) **Omuntu alamuza amateeka agatali ga Allāh** (SWT), n'obujulizi Allāh (SWT) yagamba;

وَمَن لَّمْ يَحْكُم بِمَآ أَنزَلَ ٱللَّهُ فَأُوْلَٰٓئِكَ هُمُ ٱلْكَافِرُونَ

"N'omuntu atalamula n'ebyo Allāh bye yassa: n'abo be bakaafiiri (abawakanyi abatakkiriza)" [Al-Mā'idah 5:44]

Bw'alamula omulamuzi wakati w'abayombaganye n'ekitali mateeka ga Allāh; okugeza nga okulamuzisa amateeka amagunjeewo (man-made laws), oba enkola z'abantu (customs) n'okugoberera ebika (clans) n'amawanga (tribes). Omuntu oyo bw'atyo aba afuuse murtad (nga avudde mu ddiini y'Obusiraamu) era ng'afuuse Twagūti. N'omulamuzi alamuza ebitali mateeka ga Allāh (SWT) ge Yassa (aba) mukaafiiri; n'oyo agendayo bamulamule mw'abo abayombaganye nabo (babeera) bakaafiiri. Obujulizi, Allāh (SWT) yagamba;

فَلاَ وَرَبِّكَ لاَ يُؤْمِنُونَ حَتَّىٰ يُحَكِّمُوكَ فِيمَا شَجَرَ بَيْنَهُمْ ثُمَّ لاَ يَجِدُواْ فِيۤ أَنْفُسِهِمْ حَرَجاً مِّمَّا قَضَيْتَ وَيُسَلِّمُواْ تَسْلِيماً

"NEDDA, ndayidde Omulezi wo, TEBAJJA kukkiriza (Mazima) okutuusa lwe banaa-kulamuzisanga wakati waabwe, n'oluvannyuma ne batasigala mu myoyo gyabwe kakunkuna konna mw'ekyo ky'oba olamudde, wabula ne bagoberera olugoberera (ne bagoonda)." [An-Nisā 4:65]

Allāh (SWT) yasangula/yagaana nti abantu abo tebaba bakkiriza/Basiraamu, amakulu, tebalina 'Imān (Bukkiriza) kubanga tebeelamuzizzaako Amateeka ga Allāh naye ne bagenda eri Twagūti abalamule.

4. Omuntu yenna agamba nti (ye) amanyi ebyekwese (ebitalabwako). Allāh (SWT) yagamba;

قُل لاَّ يَعْلَمُ مَن فِى ٱلسَّمَاوَاتِ وَٱلأَرْضِ ٱلْغَيْبَ إِلاَّ ٱللَّهُ وَمَا يَشْعُرُونَ أَيَّانَ يُبْعَثُونَ

"Bagambe (Ggwe Muhammad) nti: Tewali amanyi Bitalabikako mw'abo abali mu ggulu ne mu nsi okujjako Allāh; era tebamanyi kiseera ki kwe balizuukira." [An-Naml 27:65]

Yenna eyeyita nti amanyi ebyekwese abeera Twagūti nga butereevu aba alimbisizza Qur'ān Ey'ekitiibwa. Era kikakata ku Musiraamu okwewala yenna agenze eri oyo yenna ey'eyita nti amanyi ebyekwese okugeza nga abalogo (as-Saharatu), abafuusa (al-Kahhāni) n'abakola eby'amagero (al-'Arrāfina). Era temubakakasanga mw'ebyo bye beeyita, kubanga Nabbi (SAW);

Esonga 10 ku Aqīdah

"Omuntu singa agenda eri Kāhina/Arrāfa n'akakasa ebyo by'ayogera, mazima aba amaze okukaafuwalira ebyo ebyassibwa ku Muhammad" [Ahmad].

5. Yenna asinzibwa atali Allāh (SWT) naye n'asiima okumusinza, oba n'akowoola abantu bamusinze. Obujulizi, yagamba Allāh (SWT);

وَمَن يَقُلْ مِنْهُمْ إِنِّيٓ إِلَٰهٌ مِّن دُونِهِۦ فَذَٰلِكَ نَجْزِيهِ جَهَنَّمَ كَذَٰلِكَ نَجْزِى ٱلظَّٰلِمِينَ

"N'oyo agamba mu bo nti: Mazima nze ndi katonda (Ilāha) atali Ye (Allāh), oyo tulimusasula Omuliro (Jahannama). Bwe tutyo bwe Tusasula abalyazaamaanyi." [Al-Anbiya 21:29]

Okusinzibwa kusaanidde Allāh (SWT) Yekka. Tekikkirizibwa eri omuntu yenna okukowoola abantu babeere nga bamusinza oba okusinza kyonna ekitali Allāh (SWT). Oyo yenna akola ekyo oba natakikola naye ng'asiima okusinza ekitali Allāh (SWT) oyo bw'atyo naye (abeera) Twagūti.

Nabw'ekityo, mazima omuntu tasobola kuba mukkiriza eri Allāh (SWT) okujjako nga amaze okukaafuwalira Twagūti. N'obujulizi, Allāh (SWT) yagamba;

لَآ إِكْرَاهَ فِى ٱلدِّينِ قَد تَّبَيَّنَ ٱلرُّشْدُ مِنَ ٱلْغَىِّ فَمَنْ يَكْفُرْ بِٱلطَّٰغُوتِ وَيُؤْمِن بِٱللَّهِ فَقَدِ ٱسْتَمْسَكَ بِٱلْعُرْوَةِ ٱلْوُثْقَىٰ لَا ٱنفِصَامَ لَهَا وَٱللَّهُ سَمِيعٌ عَلِيمٌ

"Tewali kuwaliriza (muntu kumuyingiza lwa mpaka) mu ddiini: Mazima obulunngamu bweyolese nga bweyawula ku bubuze. Omuntu yenna awakanya Twagūti n'akkiriza Allāh, mazima aba yeekutte ku nngango enngumu etalina kukutuka. Ne Allāh Awulira, Amanyi byonna." [Al-Baqarah 2:256]

"**Obulunngamu**" y'Eddiini ya Nabbi Muhammad (SAW), "**Obubuze**" y'eddiini ya Abī Jahl, "**Enngango enngumu etalina kukutuka**" ye Shahādah ya Laa ilaaha illallāh. Era omuntu tasobola kubeera nga yekutte ku muguwa omunywevu (Tawhīd) okujjako nga asangiddwaamu embeera/ebitendo bibiri nabyo nga; Okukaafuwalira Twagūti (Kufr Bi-Twagūti) n'Okusinza Allāh ('Imānu Billāh).

Tusaba Allāh atukingirize okugwa mu busungu Bwe n'ebibonerezo Bye ebiluma

والصلاةُ والسلامُ على نبينا محمد وعلى آله وصحبه أجمعين

والحمدُ للّٰه ربّ العالمين